# Ebya PLE bisuubirwa okufuluma wiiki eno

Bya VIVIEN NAKITENDE

EKITONGOLE ekivunaanyizibwa ku bigezo mu ggwanga ekya UNEB, kimalirizza enteekateeka z'okufulumya ebyava mu bigezo bya PLE nga kati balinze lunaku Minisita w'ebyenjigiriza lw'agenda okubawa.

Ensonda mu UNEB ne Minisitule ey'ebyenjigiriza zaategeezezza **Bukedde** nti, ebyava mu PLE bigenda kufulumizibwa wiiki eno nga kisuubirwa nti olunaku lwennyini lwe bigenda okufuluma Minisita agenda kuluwa aba UNEB nga bamaze okumuyitiramu ebyava mu bigezo ku Lwokubiri.

Waliwo amawulire agasoose okufuluma nti aba UNEB bagenda kusisinkana Minisita olwaleero ku Mmande kyokka omwogezi w'ekitongole ekyo, Jenifer Kalule bwe yatuukiriddwa yagambye nti, ekyo yabadde takimanyiiko.

Abayizi 817,930 be baatuula era abalindiridde ebibuuzo by'omwaka oguwedde ebyatuulibwa nga November 3 ne 4, 2025 nga bano baasinga ku abo 797,444 abaabituula mu 2024.

Ebyava mu bigezo bya PLE byandibadde byafulumizibwa dda wabula embeera ey'okulonda ebaddewo mu ggwanga mu wiiki bbiri eziyise yataataaganyizzaamu entegeka za UNEB eyali etegese okubifulumya mu wiiki eyookubiri eya January 2026.

Wabula Kalule yagambye nti, UNEB bakyali mu budde era buli kimu kyaggwa dda okutegeka, n'asaba abazadde n'abayizi okusigala nga bakkakkamu.



Jenifer Kalule